

Ebyetaagisa okumanyibwa abalunzi b'embizzi ku kukyusa n'okulongosa endyo z'embizzi mu Uganda



**MORE
PORK**

ENDYO Z'EMBIZZI

Embizzzi ez'endyo ezenjawulo, (enzungu, ennansi ne maleeto) zaawukana mungeri gyezigumiramu endwadde, gyezikozesaamu emmere, obungi bwabaana bwezaala buli mulundi, obwangu bwezikuliramu, ne mungeri endala zonna. Oweebwa amagezi okulunda olulyo olukwanguyira.

Endyo ezaffe ennansi zifunika mu bitundu ebiwerako wano mu ggwanga. Newankubadde nga tezigejja nnyo era nga tezikula mangu nnyo nga ozigerageranyizza n'endyo enzungu, zigumira embeera nga endwadde, n'ekika ky'emmere nebhetaba ntabule bulungi. Naye ate zitera okuba n'enyama nga erimu amasavu mangi nnyo.

Endyo z'embizzi enzungu nazo zisangibwa wano mu Uganda, okugeza nga Large white, Landrace, ne Cambrough. Zino zo zizaala abaana bangi buli mulundi, ento zikula mangu nnyo, ate nga n'enyama yaazo ebaamu amasavu agekigero, yadde nga zetaaga emmere nyngi ate nga etabuddwa bulungi.

Maleeto eziva wakati w'enzungu n'ennansi zibeera nebikula eby'endyo zombi ebyogeddaako waggulu. Maleeto zino zandibadde nnungi okulunda bwekiba nti omulunzi ayinza okukalubirirwa okutukiriza ebyetaago byokuliisa n'okulabirira enzungu zenyini.

Ekifananyi: ILRI/Karen Marshall



Ekifananyi: ILRI/Karen Marshall



ILRI
INTERNATIONAL
LIVESTOCK RESEARCH
INSTITUTE

MAKERERE UNIVERSITY



RESEARCH
PROGRAM ON
Livestock

Contact: Karen Marshall
International Livestock Research Institute
P.O Box 24384, Kampala, Uganda
k_marshall@cgiar.org

The More Pork project is led by the International Livestock Research Institute (ILRI) with funding from CGIAR Research Program on Livestock. The breeding component of More Pork is co-led by Makerere University (MU) and ILRI.



This document is licensed for use under the Creative Commons Attribution 4.0 International Licence. November 2020

Pig Breeding Information for Uganda Pig Keepers: Pig Breeds, Luganda

Ebyetaagisa okumanyibwa abalunzi b'embizzi ku kukyusa n'okulongosa endyo z'embizzi mu Uganda



**MORE
PORK**



Ekitananyi: K ILRI/Karen Marshall

OKUAAZISA EMBIZZI

Londa enkazi n'ennume ennungi
kubanga ebikula byombi
bivunanyizibwa kyenkanyi ku
bulungi n'omutindo gw'obubizzi
obuto obunazaalibwa.

Wakisa enkazi ezirina enkizo mu kikula kyazo (bukulu ki kwezaalira omulundi ogusooka, bbanga lyetwala okuva kuluaala olumu okutuuka kululala, obungi bwabaana abazalibwa buli mulundi ne okujja kumabeere) ku nnume nga zikula mangu ez'olulyo olulungi olwo zisobole okuzaala embizzi ento enyingi ezinakula amangu ennyo nokuvamu enyama ennungi erimuamasavu ag'ekigero.

Enkazi enzungu ziyanza okuwakiswa nga bakozesa ennume ez'endyo ez'enjawulo.

Enkazi ennansi ziyanza okuwakisibwa zinaazo ennansi ziveemu obubizzi obuto obunnansi. Ate enkazi ennansi ziyanza okuwakisibwa ku nnume enzungu oba eza maleeto awatali mutawaana (okujjako wegendereze okulaba nga ennume sinnene nnyo kubanga eyinza okuzimanya omugongo).

Okuwakisa embizzi nga enkazi n'ennume ziriko oluganda gamba nga ezo ezazaalibwa embizzi enkazi emu, oba okuddira embizzi nerinyirwa mutabani waayo, kivaamu embizzi ezirina obuko (in-breeding). Ennume oba enkazi ezekika kino nga zituuse tezizaala bubizzi bungi, ate obuba buzalibbwaa tebukula bulungi, buba bwa luyongoyongo, bu wandwadde, era embizzi ezilimu obuko zitera okubeera engumba. Wakisa embizzi enkazi nensajja ezitalinaako luganda



ILRI

INTERNATIONAL
LIVESTOCK RESEARCH
INSTITUTE

MAKERERE UNIVERSITY



RESEARCH
PROGRAM ON
Livestock

Contact: Karen Marshall
International Livestock Research Institute
P.O Box 24384, Kampala, Uganda
k_marshall@cgiar.org

Pig Breeding Information for Uganda Pig Keepers: Pig breeding, Luganda

The More Pork project is led by the International Livestock Research Institute (ILRI) with funding from CGIAR Research Program on Livestock. The breeding component of More Pork is co-led by Makerere University (MU) and ILRI.



This document is licensed for use under the Creative Commons Attribution 4.0 International Licence. November 2020

Ebyetaagisa okumanyibwa abalunzi b'embizzi ku kukyusa n'okulongosa endyo z'embizzi mu Uganda




**MORE
PORK**

Ekifananyi: Makerere University/ Donald Kugonza

Ekifananyi: ILRI/K. Dhanji

Ekifananyi : Makerere University/
Donald Kugonza



OKUWAKISA EMBIZZI MU NKOLA EY'OKUKOZESA EMPISO (AI)

Okuwakisa ne mpiso y'encola abakugu mwebakunganyiza amazzi agalimu enkwaso okuva ku nnume ne bakozesa empiso okugateeka mu mbizzi enkazi eri ku musalo olwo nefuna eggwako. Omukugu mu kuwakisa yakola ekintu kino.

Abalunzi bangi bakozesezza AI nebaganyulwamu mu Uganda. Tewali njawulo wakati w'embizzi eziwakisiddwa munkola eya AI nezo eziwakisiddwa nga zirinyiddwa nnume.

Ekirungi eky'enkizo ekiri mu kukozesa enkola eya AI kwekuba nti kiziyiza omusujja gwembizzi (ASF) kubanga tewaba kutambuza nkazi nga omulunzi anonya ennume. Ate era AI ewa omukisa omulunzi okweroboza mu ndyo ze nnume zayinza okukozesa nasobola okulondako esinga okumukolera obulungi.

Okufuna emiganyulo mu nkola eya AI, embizzi enkazi yandilisiddwa bulungi. Olwo bwolaba obubonero bw'omusaloo nga n'omuwakisa ategzeddwa mu budde amangu ddala nga embizzi etandise okulaga obubonero.

Omulunzi bwaba ayagala kukozesa enkola ey'empiso (AI), atuukirire omusawo w'ebisolo awala ekitundu mwabeera oba omuwakisa yebuuze ku lulyo Iwe nnume olwandibadde olulungi okukozesa nga ogerageranyizza n'omutindo gwobulunzi bwe.

Nga amalirizza okukuba ambizzi yo empiso ewakisa, omuwakisa yandikulekedde obuwandiike obulaga olulyo Iw'ennume Iwaba akozesezza okuwakisa embizzi yo.

Webuuze ku musawo w'ebisolo awala ekitundu mwobeera akuwe endagiriro y'omuwakisa akolera mu kitundu ekyo.



ILRI

INTERNATIONAL
LIVESTOCK RESEARCH
INSTITUTE



RESEARCH
PROGRAM ON
Livestock

Contact: Karen Marshall
International Livestock Research Institute
P.O Box 24384, Kampala, Uganda
k_marshall@cgiar.org

The More Pork project is led by the International Livestock Research Institute (ILRI) with funding from CGIAR Research Program on Livestock. The breeding component of More Pork is co-led by Makerere University (MU) and ILRI.



This document is licensed for use under the Creative Commons Attribution 4.0 International Licence. November 2020

Ebyetaagisa okumanyibwa abalunzi b'embizzi ku kukyusa n'okulongosa endyo z'embizzi mu Uganda



**MORE
PORK**

OYINZA OTYA OKUMANAYA EMBIZZI ENNUNGI EZ'OKULUNDA

Bwoba nga wetaaga okwekuliza ennume okuva mwezo ezizaliddwa mukisibo kyo, londamu ezisinga obulungi nga nnamu bulungi, nga zizaaliddwa ne zinaazo nga nyingi. Oweebwa amagezi obutatunda bubizzi bwo obusinga obulungi bwonna bwoba nga wetaaga ennume ey'okwekuliza ekozesebwé ku ddundiro lyo.

Bwoba oyagala okweroboza enkazi ento ez'okuzaaza okuva mu bubizzi obuzaliddwa mu kisibo kyo, wandilonze obubizzi busatu oba buna obusinga obulungi nga bwakava ku mabeere. Olwo bulunde obwetegereze olyoke okole okusalawo okusembayo nga ziweezza emyezi mukaaga (6) egy'obukulu.

Enkazi eziguliddwa okuva awalala zandigiddwa kunkazi nga nzadde nnungi, ezizaala abaana bangi nga obubizzi obuzaliddwa bulama okutuuka kukuva kumabeere, zivaamu amata mangi, nga zizaala omulundi ogusooka kumwaka gumu, nga ziwaka amangu ddala nga zakaggya abaana kumabeere. Ekirala zandibadde nenywanto zamabeere ezetondeka obulungi ezitakka wansi wa 12, ezitaliko bulema bwonna nga hernia nga nekikula kyomubiri kya musitukwa.

Enkazi ezikyali ento zandiwakisiddwa nga ziweezza wakati w'emyezi musanvu n'omunaana, nga nzito bulungi wakairi nga ziweezza obuzito bwa bitundu 70 ku kikumi nga ozigeraganyizza n'embizzi enkulü ez'olulyo lwaazo.

Embazzi enkazi ezitazaala bulungi n'okukuza obubizzi obuto, ezitawakirawo mangi, ezitazaala bubizzi bungi, ezitavaamu mata mangi era nga zifiisa obubizzi bungi nga tebunnava kumabeere, zanditundiddwa nezisalibwa okuvaamu enyama nezitakozesebwé kuzaala.



ILRI

INTERNATIONAL
LIVESTOCK RESEARCH
INSTITUTE

MAKERERE UNIVERSITY



RESEARCH
PROGRAM ON
Livestock

Contact: Karen Marshall
International Livestock Research Institute
P.O Box 24384, Kampala, Uganda
k_marshall@cgiar.org

The More Pork project is led by the International Livestock Research Institute (ILRI) with funding from CGIAR Research Program on Livestock. The breeding component of More Pork is co-led by Makerere University (MU) and ILRI.



This document is licensed for use under the Creative Commons Attribution 4.0 International Licence. November 2020

Ebyetaagisa okumanyibwa abalunzi b'embizzi ku kukyusa n'okulongosa endyo z'embizzi mu Uganda



**MORE
PORK**

OYINZA OTYA OKUMANAYA EMBIZZI ENNUNGI NG'ENZADDE

Kakasa nti ennume ento erondeddwaa okukozesebwa mu ddundiro lyo erina enywanto zamabeere ezitakka wansi wa 12 nga zakula bulungi, ensigo zekisajja nga zenkana mu sayizi era nga zombi zitudde bulungi mu kisawo kyazo. Teyandibadde nabulema bwonna gamba nga hernia era nga yonna yamusitukwa mu kikula kyayo.

Ennume ento zandikozeseddwa okulinyira omulundi ogusooka, nga ziwezezza emyezi munaana, nga nzito bulungi eziwezezza obuzito bwa bitundu 70 ku kikumi nga ozigerageranyizza nembizi enkuu ez'olulyo olwo.

Ennume engumba tezandikozeseddwa kulinyiria nkazi.

Ekifananyi: Kampala City Council Authority/E. Galukande



Bwekiba nga okozesa ennume eri kukyaloo, yogerako nebalunzi banno mukitundu bakulagirire awali anume ennungi. Ennume ennungi teyandibadde nandwadde yonna, nga terina bulema bwonna, nga ziwakisa embizzi mubwangu era neziaaza obubizzi bungi, bwamusitukwa ate nga bukula mangu nnyo.

Ekifananyi: Breeds Feeds and Meats Limited/P. Borel



ILRI

INTERNATIONAL
LIVESTOCK RESEARCH
INSTITUTE

MAKERERE UNIVERSITY



RESEARCH
PROGRAM ON
Livestock

Contact: Karen Marshall
International Livestock Research Institute
P.O Box 24384, Kampala, Uganda
k_marshall@cgiar.org

The More Pork project is led by the International Livestock Research Institute (ILRI) with funding from CGIAR Research Program on Livestock. The breeding component of More Pork is co-led by Makerere University (MU) and ILRI.



This document is licensed for use under the Creative Commons Attribution 4.0 International Licence. November 2020

Ebyetaagisa okumanyibwa abalunzi b'embizzi ku kukyusa n'okulongosa endyo z'embizzi mu Uganda



**MORE
PORK**

ENKAZI N'ENNUME ENNUNGI OYINZA KUZIFUNA OTYA

Embizzi ezisinga obungi mu Uganda za musaayi mutabike (maleeto) okuva mu ndyo ez'ebika ebiwerako. Bwoba olina olulyo Iwewandiyagadde okugula, nonya omulunzi omulungi amanyiddwa nga mulunzi wa lulyo olwo kubanga ezo eziyinza okufunika amangu tezimanyiddwa lulyo lutuufu oba zi maleeto.

Bwoba ogenze okugula embizzi ka ebe nnume oba nkazi, nonyereza ebikwata ku bazaale bwazo. Embizzi z'ogula zandiggiddwa ku nkazi n'ennume ezisinga obulungi. Bwaba omulunzi gwogenda okugulako tamanyi bikwata kubuaale bwazo oweebwa amagezi okunonyaako awalala.



Ekifananyi: Kampala City Council Authority/E. Galukande



Ekifananyi: ILRI/K. Dhanji



ILRI

INTERNATIONAL
LIVESTOCK RESEARCH
INSTITUTE

MAKERERE UNIVERSITY

Pig Breeding Information for Uganda Pig Keepers: Where to access good breeding sows and boars, Luganda



RESEARCH
PROGRAM ON
Livestock

Contact: Karen Marshall
International Livestock Research Institute
P.O Box 24384, Kampala, Uganda
k_marshall@cgiar.org

The More Pork project is led by the International Livestock Research Institute (ILRI) with funding from CGIAR Research Program on Livestock. The breeding component of More Pork is co-led by Makerere University (MU) and ILRI.



This document is licensed for use under the Creative Commons Attribution 4.0 International Licence. November 2020

Ebyetaagisa okumanyibwa abalunzi b'embizzi ku kukyusa n'okulongosa endyo z'embizzi mu Uganda



**MORE
PORK**

OMUSALO N'OKUMANYA OBUBONERO BW'OMUSALO

Embizzzi emala wakati we nnaku 2 ne 3 ng'omusalo tegunaggwako. Embizzzi eze ku musalo omulundi ogusooka yanditwaliddwa ku nnume ku lunaku olusooka mu musalo, ate nga enkulu yanditwaliddwa ku lunaku olw'okubiri.

Obubonero embizzzi eri kumusalo bweraga bwe buno: ezimba era n'emyuka amabega (wefukira omusulo), evaamu oluzizzi olukwafu emabega, egezaako okulinyira zinaazo era bwebagirinyira eyimirira netaddukawo, neb'oginyigiriza ova okugituula ku mugongo teddukawo, eyimirirawo.

Embizzzi bweba egaanyi okujja kumusalo waliwo eddagala ly'oyinza okugiwa naye lino lirina kukozebwaa omusawo omukugu. Oluusi nendiisa etali nnungi nnyo eyinza okuletera embizzzi obutajja ku musalo. Embizzzi ngemaze okujjako abaana kumabeere ekomawo ku musalo wakati w'ennaku 2 ne 10 bweba erabiriddwa bulungi.

Embizzzi envubuka zija ku musalo omulundi ogusooka ku myezi etaano ova mukaaga egypt'obukulu. Ekiseera bwekigenderera nga tezija ku musalo, oyinza okukola bino nekizireeta ku musalo. Fuuyira omusulo gw'ennume mu nyumba yaazo buli kumaka okumala ebbanga lya sande emu, zigatte zibeere nyungiko mu kisenge kimu, ziteeke mu kisenge ekiri okumpi n'enyumba y'ennume olwo enkazi zisobole okugiraba, okugiwunyiriza n'okugiwulira nga ekaaba.

Ekifananyi: : Makerere University/
Donald Kugonza



Ekifananyi: : Makerere University/
Donald Kugonza



ILRI

INTERNATIONAL
LIVESTOCK RESEARCH
INSTITUTE



RESEARCH
PROGRAM ON
Livestock

Contact: Karen Marshall
International Livestock Research Institute
P.O Box 24384, Kampala, Uganda
k_marshall@cgiar.org

The More Pork project is led by the International Livestock Research Institute (ILRI) with funding from CGIAR Research Program on Livestock. The breeding component of More Pork is co-led by Makerere University (MU) and ILRI.



This document is licensed for use under the Creative Commons Attribution 4.0 International Licence. November 2020

Ebyetaagisa okumanyibwa abalunzi b'embizzi ku kukyusa n'okulongosa endyo z'embizzi mu Uganda



**MORE
PORK**

Ekfananyi: ILRI/Karen Marshall



OKUWAKISA EMBIZZI

Embizzi envubuka zandiwereddwa ennume ku lunaku olusooka ngemaze okulaga obubonero bw'omusalo ate nga enkazi enku lu zandiwereddwa ennume ku lunaku o'lwokubiri ng'obubonero bumaze okweraga.

Kakasa nti seddume ya buzito bwakigero (si nnenne/nzito nnyo, kunkazi gyerina okulinnyira).

Ennume teyandiwereddwa nkazi nyingi nnyo mu banga erya wiiki kubanga eyinza okulemerewa okuziwakisa. Kino kisinga kulabikira ku nnume nga eri emu kukyal oba kumalundiro agalina embizzi enkazi nga nyingi nnyo. Ennume teyandiwereddwa nkazi zisukka mu ssatu mu lunaku lumu.

Ennume erisiddwa negejja nnyo etera obutayagala kulinniyira. Wewale okuliisa ennume emmere enyengi ennyo negejja ekisukkiridde.



ILRI

INTERNATIONAL
LIVESTOCK RESEARCH
INSTITUTE

MAKERERE UNIVERSITY



RESEARCH
PROGRAM ON
Livestock

Contact: Karen Marshall
International Livestock Research Institute
P.O Box 24384, Kampala, Uganda
k_marshall@cgiar.org

The More Pork project is led by the International Livestock Research Institute (ILRI) with funding from CGIAR Research Program on Livestock. The breeding component of More Pork is co-led by Makerere University (MU) and ILRI.



This document is licensed for use under the Creative Commons Attribution 4.0 International Licence. November 2020

Pig Breeding Information for Uganda Pig Keepers: Pig mating, Luganda

Ebyetaagisa okumanyibwa abalunzi b'embizzi ku kukyusa n'okulongosa endyo z'embizzi mu Uganda



**MORE
PORK**

OKUWAKA MU MBIZZI N'OKUMANYA EZIWASE

Eggwako bwerigana okukwata, embizzi ekomawo ku musalo oluvanyuma lwa wiiki nga satu. Embizzi gikebere olabe oba eraga obubonero okutandikira ku nnaku 19 okuva Iweggibwa kunnume oba okuwakisibwa nempiso.

Oyinza okukakasa oba embizzi yawaka ng'okozesa ekyuma ekiyitibwa Ultrasound scanner nga wayiseewo wakati wennaku 18 ne 35 okuva Iwewagitwala kunnume. Obuumma buno butera kuba oba okukoze sebwba basawo abawakisa embizzi n'empiso (AI).

Obubonero obulaga okujja ku musalo bwebuba bulabiddwa wakati wennaku 2 ku 15 okuva embizzi Iweyatwalibwa ku nnume, ekyo kiraga nti eggwako teryakwata era kiyinza okuva kumbizzi okuba nobuzibu ku nabaana era bweba eddingana ekintu kino oweebwa amagezi embizzi eyo etundibwe.

Naye obubonero
bwebuddamu okweraga nga
wayiseewo wakati wennaku
18 ne 22 ng'emaze okuva ku
nnume, ekyo kiraga nti
enkazi eyo teyawaka oba
yavaamu eggwako wakati
w'olunaku 1 ne 10 ng'emaze
okuva ku nnume.



Ektananyi: ILRI/K. Dhananjay



ILRI

INTERNATIONAL
LIVESTOCK RESEARCH
INSTITUTE

MAKERERE UNIVERSITY



RESEARCH
PROGRAM ON
Livestock

Contact: Karen Marshall
International Livestock Research Institute
P.O Box 24384, Kampala, Uganda
k_marshall@cgiar.org

The More Pork project is led by the International Livestock Research Institute (ILRI) with funding from CGIAR Research Program on Livestock. The breeding component of More Pork is co-led by Makerere University (MU) and ILRI.



This document is licensed for use under the Creative Commons Attribution 4.0 International Licence. November 2020

Ebyetaagisa okumanyibwa abalunzi b'embizzi ku kukyusa n'okulongosa endyo z'embizzi mu Uganda



**MORE
PORK**

Ekifananyi: Kampala City Council
Authority/E. Galukande



OBUKULU OBULI MU KUKOZESA EBIWANDIIKO EBIKWATA KU BISOLO MU KUSALAWO KU NZIRUKANYA Y'EMIRIMU KU NDUNDIRO

Okukuma ebiwandiiko ebikwata ku mbizzi zo kiyamba nnyo nga osalawo n'okuteekateeka engeri y'okulundamu wamu n'okutunda embizzi zo.

Okukuma ebiwandiiko ebikwata ku nyingiza n'ensasaanya y'ensimbi ku ddundiro lyo ery'embizzi kijja kukuyamba okumanya oba okola magoba oba nedda.



Ekifananyi: ILRI/K. Dhanji



MAKERERE UNIVERSITY

ILRI

INTERNATIONAL
LIVESTOCK RESEARCH
INSTITUTE

Pig Breeding Information for Uganda Pig Keepers: Importance of using data in farm management decision making, Luganda



RESEARCH
PROGRAM ON
Livestock

Contact: Karen Marshall
International Livestock Research Institute
P.O Box 24384, Kampala, Uganda
k_marshall@cgiar.org

The More Pork project is led by the International Livestock Research Institute (ILRI) with funding from CGIAR Research Program on Livestock. The breeding component of More Pork is co-led by Makerere University (MU) and ILRI.



This document is licensed for use under the Creative Commons Attribution 4.0 International Licence. November 2020